safe2choose

# Ebibuzo ebisinga okubuzibwa

ENGERI GYE TUKUKWASAGANYA NÁBASAWO ABAKUGU



# 1 Enkola eya safe2choose etegeezaki?

Safe2choose mukutu oguyita kumutimbagano gumugatta bantu nga gukumanyisa nókubudaabudibwa eri abantu okwotolola ensi yonna nga bakubaganya ebirowoozo wamu nókuweereza obubaka nga oyise kumukutu (e-baluwa) nga bakozesa ennimi 10 ezénjawulo.

Abasawo abakugu abalina obumanyirivu ddala aba safe2choose ababudaabuda beteefuteefu okkumanyisa kubweerere ate mubwekusifu kunsonga zókujjamu olubuto mumbeera ennungi ngókozesa empeke (MA), Okujjamu olubuto ng'okozesa ekyuuma ekinuuna(MVA/EVA), Okujjamu olubuto nga bayise mu'kkulongoosa okugeza nga dilation ne Evacuation (D&E), Okujjanjaba abakyala olunvanyuma olwo' kujibwaamu olubuto okutuusa nga bawonye bulungi (PAC).

Okubudaabudibwa kubeeramu okkumanyisa mubulambulukufu kubasawo abakugu awo mukintundu wowangaalira nga kwogasse némpeereza eziriwo okuza nga ebikozesebwa mubika ebyenjawulo, abasawo bakugu ate nga beesigika, ebitongole námalwaliro agakola ku nsonga ezókujjamu embuto mumiteendera ejikkiriziddwa.



Safe2choose kibiina ekyegattira wamu ne Women First Digital (WFD), nga kino kibiina ekimanyisa mubujjuvu no'kwenyigiramu, okukakasa nti buli muntu kinnomu afuna obuwereza no'kumanyisibwa ku bikwata ku bulamu munsonga ezo'kwegatta.

OKUMANYA EBISINGAWO KU MPEEREZA ZAFFE, KYALILA OMUKUTU GWAFFE GUMUGATTA BANTU.

# 2 Omukutu ogukwasaganya abétaaze obuweereza obwa safe2choose gwe guliwa?

safe2choose bakolagana wamu n'abakugu mumpeereza okukakasa nti buli muntu yenna eyeetaaze okuyambibwa mukujjamu olubuto mungeri ekkirizibwa asobola okufuna obuyambi obwo.

Abasawo abakugu betukola nabo munsi yonna mwemuli abasawo ne bitongole ekkumi bbiri (2,000):

- Amalwaliro: amalwaliro amenene, zi-kilinika, amalwaliro kumagombolola
- Abasawo abakugu: abasawo abakuguka mu kugaba eddagala, abasawo abajjanjabi, ba dokita, abazaalisa.
- Abakulila ebibina ebilwanililira eddembe lya'bakyala: ebilara nga doulas ne escorts



Bakumanyisa butya bwofuna:

- Empeke ezijjamu olubuto
- MVA, EVA, no'kkulongoosuma olubuto
- Okubudaabuda
- Okulwanilira mumateeka
- n'ensonga endala ezigwa mu nkola ezo'bulamu bwebitundu ebyekyama

# 3 Enkola eya safe2choose eyokukwasaganya nábasawo abakugu, ekola etya?

**1**

Eyetaaze enkola zaffe asobola okuwereza obubaka nga wandiika e-baluwa oba okwwogerazeganya naffe ku mukutu gwaffe.
Bino bikolebwa mubwekusifu ate mukyama ddala.

**2**

Abasawo ababudaabuda bekebejja ddala omuntu yenna eyeetaaze okuyambibwa.

**3**

Abasawo ababudaabuda bakolagana wamu nóyo yenna ayeetaaze okuyambibwa okunoonyereza era okkumutusaako obuyambi, naddala okulungamya ku nsonga zókujjamu olubuto mu mitendera ejikkilizibwa.

**4**

Ayagala okukozesa empeke, ngáyagadde okugenda mu kilinika oba okufuna empeereeza yonna, abasawo ababudaabuda bajja kuweereza eri abo abasobola okkuyamba mu-kintundu gyówangaalira.

**5**


Abasawo abakugu aba safe2choose baniliriza omukyala ayagala empeereeza zaffe nokufaayo, bakakasa nti afuna embuulira, era bamuwa empereeza eyo mutindo ddala.



# 4 Bukodyo ki aba safe2choose bwebakozesa okukakasa nti eby'okwerinda bikuumibwa butiribiri?

## BUTYA BWETUWEEREZA ABAAGADDE OKUYAMBIBWA

Okukakasa nti ebyo'kwerinda bikuumibwa bulungi eri abakozesa empeereza zaffe wamu n'abasawo abukugu awo woobeera.



## Okusengejja abo bonna abalina akawunti ezékifere

Tiimu yaffe ebanguddwa nyo okwongera okwetegereza abafere.

Nga tebanna kukuwereza eri abasawo ,bassoka kwekebejja nga'bakozesa akakunguta akalaga obukulu bwo lubuto,wa josiinzidde, wamu n'empeereza ezenjawulo z'ewandyagadde.

## Okugabana ebitukwaatako

Embuulira e'gabanidwa n'abo abaagade empeereza zaffe esinzira ku mateeka n'endagaano wakati wa'basawo oba ekitongole.


- Tetugaba manya gaabo abasawo abakola kubakyala abo wadde olukalala lwa basawo baffe abakolera munsi eyo.
- Tukologana wamu ne`bannamikago okukakasa nti ebyo`kwerinda binyweevu , nga olulimi olutuufu nga tukuyunga ku basawo baffe.

# 5 Omukutu ogwa safe2choose gutereka gutya ebikwaata ku kasitoma baffe?

**Omukutu ogwénsi yonna okukwasaganya okuweereza abagadde enkola zaffe ku basawo abakugu gukuumibwa butiribiri era nóbukodyo obuli kumutindo ddala.**

Etterekero lyaffe lyakolebwa nga lya mukutu ogwa safe2choose gwokka, era nga gutuukibwaako abo bokka abakakasiddwa okugutuukako abakozi aba safe2choose

Etterekero lino likuuma ebikwaata ku basawo abakakasiddwa ku byaalo wamu nébitongole okusobozesa ababudaabuda okuweereza abakyala eri abasawo abali okuumpi nabo nga basobola okutuukiriza byonna kasitoma byaba yeetaaze.




# 6 Nsobola ntya okwegatta ku safe2choose omukutu gwe nsi yonna oguweereza abakyala abaagadde obuweereza bwaffe?

## Okwegatta ku mukutu ogwa safe2choose ogwe ensi yonna oguweereza abakyala abaagadde obuweereza bwaffe kyangu nyo ate kyekusifu

Weereza obubaka ku bakwasaganya baffe ku partnerships@safe2choose.org okusobozesa abakozi baffe okukola ku ndagaano ejja okutugatta.

Weewandiise nga ojjuza foomu ngóyita kumukutu gwaffe oguli kumpeewo gumugatta bantu.

Ojja kkakasibwa abakugu baffe abakakasa ebikwaatako byotadde mukusaba kwo.




**1** Osabibwa okujjuza ebikubuuzibwa. Beera mwanjulukufu okusobola okufuna eddwaliro wookolera okusobola okuweereza abaagadde empeereza mubulungi.

**2** Wegatte ku nsi yonna nga oyita mu tekinologiya anoonyereza ebifo. (GPS)

**3** Yiingizaamu ebyókwerinda ebituufu, olulimi lwókozesa, enyingizo ennekusifu jetuwa bakasitoma ababa baagadde okuweerezebwa gyoli.

**4** Kakasa nga oteeka omukono ku kiwaandiiko kyaffe ekitukakasa nti tojja kusasaanya bikwaata ku bakyala b'okolako.